# MERRYLAND HIGH SCHOOL ENTEBBE-KIGUNGU&KATABI CAMPUS

## TERM I HOLIDAY BREAK WORK

## S.3 LUGANDA

**Attempt all.**

1. Wandiikira minister w'e byobulamu ng'omutegeeza engeri ba nnayuganda gye bafubye okwetangira ekirwadde ki COVID 19.

2. Wandiikira mukwano gwo ebbaluwa ng'omunyonnyola engeri gye weeyambisizzamu ekiseera kye wakamala ewaka ol'obulwadde obuli muggwanga kati. (2½ pages)
3. Jjuza ebisoko ebituufu mumabanga agalekeddwa.
   (i) Enkoko twagikwata ........................................................nga tweggyawo.
   (ii) Enkuba bwe yatandise okuvaamu..............................netwanulayo emmwanyi.
   (iii) Laba bwamegeredde nga...........................................................wadoodo.
   (iv) Yalugguliddе ku ....................................................okuvuma omusomesa.
   (v) Okutemyani .................................................................ngo'onvioridde.
4. Soma ekitundu ekikuweereddwa wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Singa abantu bonna **basuula** ennimi zaabwe ze boogera, n'amannya g'ensi zaabwe era n'empisa zaabwe zonna ez'obuzaaliranwa amawanga gaabwe **gandibuze.** Naye abantu b'amawanga gonna baagala nnyo okukuma ennimi zaabwe n'empisa z'amawanga gaabwe ze balaba nga nnungi, baleme kwezaaya.

Abaganda nabo okuva edda baalina empisa zaabwe n'amannya gaabwe ,

era oluusi kyabanga kyangu okumanya n'ekifo omuntu Omuganda gw'osanze obusanzi gy'azaalibwa. Era Abaganda baayinzanga okumanya ebigambo ebirala bingi ebifa ku Baganda bannabwe nga babimanyira ku mannya obunnya bannabwe ge bayitibwa. Naye nno mu kiseera ekyo Abaganda we baalowooleza nti empisa zaabwe zonna ez'ebuzaliranwa mbi, bangi mu bo we baakyayira n'amannya gaabwe Amaganda ne baagala okwetuuma amannya g'abantu b'amawanga ag'ebweru. Abamu ne bagezaako okukyusa amannya gaabwe mu nnimi z'abantu b'amawanga amalala, ne bagayitibwa nga agali munnimi ezo.

Abalala baatandika okutuuma abaana baabwe amannya Amaganda nga bagoberera entuuma y'abantu b'amawanga amalala.

Mu maka g'abaganda abaatandika okutuuma amannya mu ngeri eyo kiyinzika okusanga omusajja ne mukazi we n'abaana baabwe-abalenzi n'abawala-nga bayitibwa erinnya limu ate nga Gganda. Abalala baatandika okwetuuma amannya g'a bakulu b'ebika byabwe, oba amannya g'obwami obutali bwabwe. Abamu baatandika **okufuulafuula** amannya g'ebika mu ngeri yonna gye baagala, era abantu abakulu ab'eda gye bataamanya era gye batakkirizanga. Bwe tukola tutyo tuba twonoonye era nga tudibizza amaanya gaffe amaganda ge twandisaanidde **okwenyumiriza** nago n'okuwa ekitiibwa. Era ensi nga Buganda, eyaakamala emyaka egiwera nga 500 nga efugibwa Bakabaka ab'ensikirano etekutukangako abawera 35, singa **esuula** mu kiseera ekitono kino empisa zaayo ennungi Bakabaka baayo n'abantu baabwe ze bamaze ebbanga eddene bwe lityo nga bakuuma, eba ezzizza omusango oguligisalirwa abaana baayo era n'abantu b'amawanga amalala abaligibeeramu oluvannyuma. Okulonda mu mpisa zaffe ezisaanidde okuleka, n'okulaba ezo ezisanidde okukuuma mulimu gwa Baganda bennyini kuba be bannannyinizo abasuubirwa okumanya obulungi ebigambo byonna ebizifaako.

***(KISIMBUDDWA M.B.NSIMBI. AMANNYA AMAGANDA N'ENNONO ZAAGO)***

***EBIBUUZO:***

a) *Menya emigaso esatu egy'amannya g'abaganda omuwandiisi gy'ayogeddeko mu kitundo ky'osomye.*

b) *Menya ebintu bya mirundi esatu omuwandiisi by'alaze nga tebyakkirizibwanga mu ntuuma y'amannya g'agenda.*

c) *Kintu ki omuwandiisi ky'alaze abaana ba Baganda n'abantu b'amawanga amalala kwe bayinza okusinziira okusalira Buganda omusango?*

d) *"Abaganda bantu bakoppi" kino omuwandiisi akiraze atya? Leeta ensonga bbirir.*

e) *Menya ebintu bibiri ebisinga obukulu omuwandiisi by'ayogerako mu kitundu kino.*

5. Maliriza engero zino.

(i) Abangi bwe bakwebaza ..........................................................................

(ii) Akusuubiza.......................................................................................

(iii) Ndyebaza ndya.....................................................................................

(iv) Ka nve enkoto ......................................................................................

(v) Eyeemanyi amalwarira ..........................................................................

(vi) Agamyuka omutezi...............................................................................

(vii) Akabimbi akatono..................................................................................

(viii) ........................................................................................taba munafu.

(ix) ...................................................................................biva muntuuyo.

(x) ..................................................................................tesala gwa kibira.

6. Maliriza ebisoko bino.

(i) Abasirikale baali tebasobola kugoba Sseruwu ne bamukwata anti yali tadduka.......................................Mbwa.

(ii) Oyo naye bamuyita mumpi awunya .........................gwe ate n'awo ne wamulema okutuuka.

(iii) Olw'okuba obude bwali bumuliridde ow'e...............................yamalawo akaseera katono n'asiibula.

(iv) Lunno nno musango .....................ate enkuba ebadde ekedde ate ezzeemu.

(v) Omulwadde eddagala lyamuwunyidde bubi n’atandika................embuga.

(vi) Twamugamba nga aleme kufumbirwa Kigoonya ng’awalaza......

(vii) Amawulire g’okufa kw’omutukuvu papa Yowaana Pawulo II bwe gaatugwa mu..........................Ffena twayongobera.

(viii) Omukulu w’essomero yagambye nti tajja.........................Muyizi n’omu ku liiso singa alikwatibwa ng’amenya amateeka g’essomero.

(ix) Nakaggwa kati bali kabwa......................................ne Nakibirige.

(x) Ennaku kati eri ku Ssekiti eyoza lumonde era kati ...................lunkupe.

7. (a) Wandiika sentensi ttaano (5) nga buli emu entababigambo era ogisazeeko.

(b) Amannya gano gateeke mu mbu z’amannya mwe gagwa.

(i) Kisumuluzo.

(ii) Lweyo.

(iii) Maato

(c) Wandiika sentensi (2) bbiri emu ermu Nakalazi ey’enjawulo. Saza ku Nakalazi.

**BIKOMYE.**